**12th August 2018.**

# OLW'EKIWEEBWAAYO EKIMU TUWEEBWA OBUTUUKIRIVU OBW'EMIREMBE GYONNA.

**Abaebbulaniya 10:1-18.**

Mu kitundu mwe tusemba okubuulirwa ku misingi gy'okumanya n'okutegeera kw'obusukkulumu bwa Yesu Kristo ku byonna, mwe tubuulidwa omuddiŋŋanwa ku bwa Kabona bwe Obukulu obw'enjawulo ku bulala bwonna, n'emiganyulo gy'abwo emiyitirivu ku bwa kabona obulala bwonna.
Leero nate tukakasibwa ekintu ekikulu ennyo okumanya, ekyayogerwa mu ssuula 9:11,12 nti "Kristo yajja nga Kabona Asinga Obukulu ow'ebintu ebirungi ebyali bigenda okujja. Yayingira mu weema esinga obukulu n'okutuukirira, etaakolebwa na mikono gya bantu, etali ya mu nsi muno. Teyayingira na musaayi gwa mbuzi wadde ogw'ente ennume, naye yayingira mu Watukuvu w'Awatukuvu omulundi gumu gwokka n'omusaayi gwe; bw'atyo ye yennyini n'atufunira obulokozi obutaggwaawo."
Mu kuba nti endagaano empya teyakoma ku kuba na Kabona musukkulumu, wabula ne saddaaka era ekiweebwaayo nabyo byaali bisukkulumu ku by'endagaano enkadde. Nga bwe tulaba.. Kuba Yye kkennyini ye yali saddaaka era ekiweebwaayo ekyamatiza Mukama Katonda waffe nga bwe yali yategeka era naasuubiza okuva ku lubereberye..[Ssuula 3], kyokka ate nga ne I Pet.1:20, bwe lugamba"Kristo yategekebwa dda nga n'ensi tennatondebwa, kyokka mu nnaku zino ezaakayita n'alabisibwa ku lwammwe."
Singa mweetegereza ebyaali mu sssuula 9, ebimu biddibwaamu mu kitundu kino nga bwe tulaba….

Tusome nny.1-18….

Eri buli ddiini oba nzikiriza, ensonga esinga obukulu okugonjoolwa ky'ekibi. Ky'ekizibu ekisinga obukulu gy'etuli ffenna ng'abantu. N'okuba nti kyogeddwa nti "tetuli boonoonyi lwakuba twoonoona, wabula twoonoona lwakuba tuli boonoonyi". (We are not sinners because we sin. We sin because we are sinners.)
Era kye tusooka okweetegereza kwe kuba nti saddaaka ya Yesu Kristo eggyawo ekibi, ssi nga ziri ez'omundagaano enkadde ezaabikkanga obubissi ekibi.

Lnny.1-4……

Omuntu bw'ajja gy'oli mu ttuntu, teweewogoma bwewogomi mu kisiikirize kye wadde ofuna obuwerero mu kasana mu kkyo!

Nate, bw'oweebwa eddagala okunywangako okumala akaseera ossuuke, kisingako n'owona, akacupa n'okatunuulira ng'omuli eddagala ery'akuleetera okuwona okusinga okkatunuulira ng'ekijjukizo gy'oli nti oli mulwadde era ogenda kufa!

Okuddiŋŋanwanga kw'okusaddaakanga buli kaseera na buli mwaka bwaali bukakafu mu kugeraageranya n'okufa kwa Yesu ku musaalaba n'alangirira nti kiwedde, nti okweewaayo kwe kwe kw'alimu ensa okusinga biri.

Ne kisingako okuba nti mu kifo ky'okujjukiranga ebibi byaffe ne tuba nga tujjukira omulokozi waffe mu ssanyu n'essuubi.

Nny.5-10…..

Bino ebiggibwa mu Zabb. 40:6-8……

Wadde ye yali enteekateeka ya Katonda nga n'ensi tennatondwaawo, kwaali kweewaayo kwa Mukama waffe Yesu, eyamalilira okutuukiriza okwagala kwa Kitaffe okutuusiza ddala ku nkomerero.

Kiggibwaayo nti okutukuzibwa kwaffe kusinziira mu kwagala kwe, so si okwaffe, kuba nga bw'omanyi, kuba kusinziira ku kwaffe tewali ku ffe eyanditukuzibbwa.

Nny. 11-18…

Mukama waffe kye yalangirira okuggwa, kwe kwaali okutuukirizibwa kw'obulokozi bwaffe ffenna omulundi gumu mu kutufiirira nga ssaddaaka etuukiridde lubeerera/emirembe n'emirembe.

Era ng'obunnabbi bwe bwaaweebwa mu Zabb.110:1… "Mukama yagamba Mukama wange nti, "Tuula wano ku mukono gwange ogwa ddyo, okutuusa lwe ndimala okufufuggaza abalabe bo ne mbassa wansi w'ebigere byo."

Bw'ekityo okwaawukana ku ba kabona ab'omundagaano enkadde abataatuulanga olw'obutakoma kuwangayo ssaddaaka, Yesu Kristo yaweebwa entebe ey'ekitiibwa ku mukono ogwa ddyo ku nnamulondo y'Obwakatonda mu ggulu.

Ate Abakkolosayi 2:9,10 zitukakasa nti "Kubanga mu Kristo okutuukiriza kwonna okw'Obwakabaka mwe kulabikira mu mubiri, era mmwe nga muli mu ye, mwatuukirira mu ye, oyo Kristo omutwe gw'obufuzi bwonna n'obuyinza bwonna."

Kye kikalaatirwa mu lnny. 14 nti……. N’olw’ekyo tewalyeetaagibwa kiweebwaayo kirala kyonna eri okulokolebwa kw’obulamu bwaffe okuva mu kibi n’okufa kwe kyaaleeta eri ensi, olw’okumaliriza kw’obweetaavu bw’ensonga eyo mu ngeri ey’enkomeredde mu kwagala kwa Mukama Katonda Kitaffe.